OBUBAKA BW'AMAZUUKIRA (2019) ERI EGGWANGA

METROPOLITAN JONAH LWANGA
UGANDA ORTHODOX CHURCH

Abooluganda abaagalwa

Abawuliriza / Abatunuuwlira

"Mujje mulege ku musasna, okuva mu musana ogutakya!" Era mugulumize Kristo, oyo azuukidde okuva mu bafu"! Jn 1:4,9. Ekklesia eyimba okuzuukira, mu Kristo Kigambo wa Katonda, omuntuwavu era omuzuukivu. Mt 22:31,32. Kuba kyamagero kitannyonnyolekeka, naye ate nga lye ggwulire eddungi eri amawanga gonna. Obwakatonda okujja mu bwobuntu, kulw' obwobuntu okuzzibwayo mu bwakatonda! 2 Tim 1:10. Dan 12:2. Job 14:14. Kale, leka tumuyimbire oluyimba oluggya, oluwa amakulu mu bulamu bwaffe: "Kristo azuukidde mu bafu, Mu kufa Okufa akusambazze. Era n'abo ababadde mu ntaana, abawadde obulamu!" Gn 2:17. Pr 11:19. Is 25:8; 53:12.

Katonda waffe atwagala nnyo. Mu Kristo Kigambo we abikkudde ekyetaago kye gye tuli, si mu bigambo bugambo byokka, wabula ne mu bikolwa by' Omwana we era n' Ekklesia ye mu Mwoyo Mutuukirivu. Kye kyetaago ky' okuzzaayo obwobuntu mu kikula ky'obwakatonda. Jn 11:38-44. Ps 8:4. Ac 4:12. Olwekyo, "Magezi! Twetereereke fenna. Kubanga Omusana gwa Kristo Kigambo gwe gwakira buli muntu yenna azaalibwa ku nsi!" Jn 1:9. Ye mununuzi waffe okuva mu kizikiza ky' obutamanya. Era ye mulokozi waffe okuva mu buwambe n' omulabe Sitaani. Mu ngeri eyo, Kristo Kigambo ye mubanzi w' Obwakabaka bwa Katonda mu myoyo gyaffe ne ku nsi. Is 60:2. 2 Tim: 2:26. Jn 1:4; 8:12, 44. Mt 13:41.

Kristo azuukidde? Kyamazima azuukidde! Oba nga kyamazima Kristo azuukidde, okuzuukira kwe okwo bwe bujjuvu bw' okuntuwala kwe, nga Kigambo mu Kristo,

ate okuntuwala kwe kuno nga bwe bukakafu bw' obwakatonda bwe, mu bigambo ne mu bikolwa ebisukka ekikula. Mt 11:27. Bwatyo Kristo Kigambo wa Katonda, nga omuntuwavu omuzuukivu, akoowoola fenna mu nsi, twagalenga nnyo Katonda waffe, tulyoke tusobole okwagalana nga abantu abatondere mu ngeri ne mu bufaanane bwa Katonda". Tutuukirize olugendo lw' obutonde bwaffe. "Yagalanga Mukama Katonda wo n' omutima gwo gwonna, n' omwoyo gwo gwonna, n' amagezi go gonna" … "Yagalanga ne muntu munno nga bwe weyagala wennyini". Mt 22:37, 39. Dt 6:5. Lv 19:18.

Olwekyo, bantu ba Katonda mwenna, bwe tujaguza ku mazuukira gano era ne ku mazaalibwa ga kristo Kigambo wa Katonda buli mwaka, tuba tetuyolesa bwolesa mikolo gino ku bwagyo, wabula tuba tuttukiza era nga tujjukiza abakkiriza bonna, ekyetaago kya Katonda waffe nga bwe kiri: a) okuzzaayo obwobuntu bwaffe ku kikula ky' obwakatonda ekitukuvu, ku ngeri ne ku bufaanane bwa Katonda; b) abantu fenna okuddayo okuba abaana ba Katonda, baganda ba Kristo Kigambo, okuyitira mu butabanyi bw' obwakatonda ne Mwoyo Mutuukirivu. Ekyo nga c) kwe kuvumbagiza abantu bonna obwakabaka bwa Katonda. Dan 4:26. Mt 5, 6, 7. Ro 8:14, 19-20. Ps 82:6.

Mu mulimu gwa Kristo guno ogw' obulokozi gye tuli, enjuuyi z' obuweereza bwagwo ezo zonsatule enkulu, bwe zitamatiribwa na kukkirizibwa kyenkanyi, kwe kugamba, bwe zitassibwa mu kutuukirizibwa, nga bwe kikolebwa wano mu Yuganda leero, olwo obulamu Obukristo buba bulemeredde, n' ekiruubirirwa kya' Kristo Kigambo mu kuntuwala ne mu kuzuukira kiba tekitegeerekeka. 1 Cor 15:14, 19, 24. Eggwanga Ekkristo eritafaayo ku nsonga zino, liba ggwanga eryetaddeko kungulu Kristo nga akakookolo, naye munda "mu mitima, mu myoyo, ne mu magezi gonna" agakozesebwa, nga litambulira mu kubuulirira kwa mulabe waalyo Sitaani omulimba. Jn 8:44. 1 Cor 15:33

Nga bwe tukomekkereza obubaka buno, twagaliza Oweekitiibwa President Yoweri Kaguta Museveni, Oweekitiibwa Vice President Edward Kiwanuka Sekandi, Bannamateeka, Baminista, Bammemba ba Paalament, Ssaabasajja Kabaka wa Buganda Ronald Mwenda Mutebi II, Nnaabagereka Silivia Nagginda, n' Abakulembeze Abensinkirano bonna; Abakulembeze Abenzikiriza era ne Bannayuganda bonna, okuzuukira kwa Kristo Mukama waffe, mu Kigambo wa Katonda ne Mwoyo Mutuukirivu, kubeere eggwulire eddungi nti. Bwe twemansula okubuulirira kw' omulabe waffe omubi era omuvuganyi w'ekiruubirirwa ky'obutonde bwaffe, kiba kisoboka gye tuli okwambala obunnakatonda, engeri n' obufaanane bwa Katonda, nga abatageŋenyuka mu mwoyo era abalwanyisa b' ebivve byonna, bye tutambuliramu kaakano. Amiina! 1 Jn 1, 2, 3:8,12,10;4:3;5:19.